
# BUUZA OMUSAWO

## Ekyaggyisaawo obusenge mwe bajjanjabira abalina akawuka ka siriimu bokka



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission

OLWOKUNA oluwedde, akulira ekitongole kya Uganda Aids Commission, Dr. Nelson Musoba yatulaze enkola ennyangu gye bagenda okuyitamu okulaba nga bamalawo akawuka ka siriimu we tunaatuukira mu mwaka gwa 2030. Ayongera okuddamu ebibuuzo ku nkola eno:

**Enkola y'okuzimba obusenge obw'enjawulo obw'abalina akawuka ka siriimu ku malwaliro lwaki yavaawo?**

Ekitongole ky'ebyobulamu kyakizuula ng'okwawula amalwaliro g'abalina akawuka ka siriimu tekikyalina makulu kubanga baakizuula ng'abamu ku balina akawuka ate basangibwa n'ebirwadde ebirala, nga ekyali kisinga obulungi kubajjanjabira mu kifo kimu mwe basobola okubajjanjabira endwadde zonna omulundi gumu.

**Nkola ki eyasikizibwa eyaggyibwaawo?**

Twazzaawo gye twayita Intergration. Eno yajja oluvannyuma lw'abaali batukwasizaako okuva muv nsi ez'ebweru okukendeeza obuyambi, era nga bwe tukwatagana n'amalwaliro ga Gavumenti empeereza n'ebikozesebwa bituuka ku bantu, era gye tulaga tulengerayo.

**Naye enkola eno abasawo basobodde batya okumalako nayo ng'ate weesanga abalwadde bangi?**

Enkola eno okusinga yeetooloolera ku malwaliro g'oku bitundu, olwo ne tuyambibwako abasawo baffe ab'oku byalo abatendeke obulungi Village Health Teams (VHTs). Abasawo b'oku byalo bali ku mitendera egy'enjawulo (Community Health Workers),n'abakulembeze bonna bakola omulimu gwa ttendo okutegeezza abantu we basobola okufunira obuyambi obwekuusa ku kawuka ka siriimu.

**Bikuŋŋaanyiziddwa KHASIFAH NAAVA.**